# DISCO MATANGA

## Endongo z'oku nnyimbe eziviiriddeko abayizi okufuna embuto e Namayingo



Abawala nga bababuulirira ku ssomero lya Banda SS. Okubuulirira kuno kubeerawo buli Lwakubiri

Bya RITAH MUKASA

WALI olowoozezza ku mbeera ng'omuntu afudde kyokka ng'endongo esindogoma nga n'abali ku lumbe bazina mu kifo ky'okukuba emiranga? Eyo y'embeera ebeerawo ku nnyimbe e Namayingo.

Eno omuntu bw'afa, ku lumbe bassaako endongo n'esindogoma okukeesa obudde. Endongo eno baagituuma 'Disco Matanga' ng'ekigenderwa kyayo kya kusonda ssente za kuziika n'okuliisa abakungubazi.

Abakungubazi banywa nga bwe bazina. Eyo mu matumbibudde, basimbawo abawala abato okuva ku myaka 13, olwo abasajja ne basindana mu kubassaako ssente okuzina nabo. Asinga ssente y'atwala omuwala okumusanyusa ekiro ekyo. Akabaate akavudde mu nkola eno be bawala abano okufuna embuto ze bateetegekedde n'oluusi okufuna siriimu.



Anyango akulira okubudaabuda abawala.

### ABAWALA 27 KU 100 BAFUNA EMBUTO

Okusinziira ku kitongole kya UNICEF, abawala 27 ku 100 mu disitulikiti y'e Namayingo bafuna embuto buli mwaka era amasomero agasinga buli ttaamu gabeeramu abayizi abasoba mu 10 abali embuto. Kino abasomesa n'abatuuze bakissa ku bwavu, okusima zaabu ne 'Disco Matanga'.

Sowedi Hamis, omusuubuzi mu kibuga ky'e Namayingo agamba nti 'Disco Matanga' zisaana kuwerebwa kuba abazitegeka tebafaayo ku bulamu bw'abaana naddala abawala be bagabula mu basajja nga bafa kimu kufuna ssente.



Musana (ku kkono) ne Sowedi.

Agamba nti abawala abasinga badduka mu maka ga bazadde baabwe ekiro ate abalala bava ku masomero ne bakuba endongo okukeesa obudde. Mu kunoonyereza kwe, Vincent Wandera, omusomesa eyawummula era nga mutuuze ku kyalo Busudia mu Banda Town Council, agamba nti yakizuula ng'abasajja abasinga beegatta n'abawala ab'enjawulo kyokka nga tebakozesa bupiira.

Ssentebe w'ekyalo Buyinja era nga y'atwala n'emizikiti 15, Sheikh Edirisa Musana agamba nti 'Disiko Matanga' yakoppebwa mu bitundu by'e Kenya era abantu bangi bagyettanira olw'obuseegu obubeerayo nga beekweka mu kusonda ssente. Musana agamba nti beekubira dda omulanga mu bannabyabufuzi baziwere kyokka zaasigala zigenda mu maaso.

Lawrence Okumu, omusomesa ku Namayingo Primary School agamba nti n'enkola y'obuwangwa bw'Abasamia eyitibwa 'essimba' yeetaaga okuwerebwa. Mu 'Essimba', omwana bw'aweza emyaka 12, ava mu nnyumba ya bazadde be n'atandika okusula mu kasiisira ke mu luggya. Wabula Okumu agamba nti abazadde bangi tebafaayo ku baana bano ekiro ne kibaviirako okukyaza abalenzi oba abawala ne beegatta nga tewali abakuba ku mukono. Abalala bafuluma kyere ne bagenda mu 'Disiko Matanga'.

Muhamadi Kasule, omuwabuzi ku byobulamu n'obulwadde bwa siriimu mu minisitule y'Ebyenjigiriza agamba nti emize ng'egyo kw'ogatta n'abasomesa obutafaayo, byongedde omuwendo gw'abaana abafuna embuto ne bava mu masomero.

Betty Angatai, omwogezi wa disitulitiki agamba nti bassaawo leediyo ya Namayingo FM era bafuba nnyo okubuulirira abazadde okufa ku baana baabwe kyokka bangi basuulayo gwa nnaggamba.

Elizabeth Anyango akulira okubudaabuda abayizi ku disitulikiti naye ayagala 'Disiko Matanga' ewerebwe kuba amasomero buli ttaamu gakebera abawala kyokka basanga abasukka mu 10 nga bali mbuto era bagenda okunoonyereza ng'abamu baazifunira mu 'Disiko Matanga'.

Milly Labol, akola ku nsonga z'abaana ne ffamire ku Namayingo Central Police Station agamba nti obutale bw'ekiro ne 'Disco Matanga' bya bulabe nnyo eri abaana abawala n'asaba abazadde okufa ku baana baabwe.

Omubaka wa Pulezidenti e Namayingo, Nnaalongo Eva Kwesiga agamba nti Disco Matanga baagiwera era baludde nga bagirwanyisa. Ye abaana okufuna embuto akissa ku bwavu obususse.

**EBIRALA KU MBOOZI EKWATA KU BAANA ABAFUNA EMBUTO E NAMAYINGO BIRINDE MU BUKEDDE W'ENKYA.**